# Bazudde abalala abalina Ebola omuwendo ne gweyongera

Bya JOHN MUSENZE

OMUWENDO gw'abantu abakwatiddwa Ebola mu Uganda gulinnye, bwe baweze musanvu oluvannyuma lwa minisitule y'ebyobulamu okumuzuula mu basawo 2 ababadde bakola mu ddwaaliro eritali lya kukale.

Abasawo bano nga be bamu ku baakola ku mulwadde eyasooka, bazuuliddwaamu Ebola mu kaweefube wa minisitule okulondoola buli eyaliko n'abalwadde.

Mu kiwandiiko ekifulumiziddwa dayirekita w'ebyobulamu mu minisitule eno eggulo, omukungu Charles Olaro, yategeezezza nti kati abafunye Ebola baweze musanvu ng'omu yafa, omu yawona ate bataano bali ku bujjanjabi era embeera yaabwe tetiisa.

Ku bano kuliko Bannayuganda bana n'Abacongo basatu era bonna baatuuka mu Kampala nga mu kiseera kino bali ku bujjanjabi mu kifo ekiragiddwa okujjanjaba Ebola.

Uganda yatandika enkola y'okudduukirira abantu mu mbeera ez'amangu, okulondoola ku nsalo n'okugaziya emirimu gy'okukebera mu bifo by'ebyobulamu, nga kyava ku Ebola eyava mu DR Congo.

Mu Congo, abasoba mu 200 be baakafa nga 600 baazuulibwamu obulwadde buno era bali ku bujjanjabi.

Wabula abasawo be basinze okukwatibwa.



Dr. Charles Olaro